**Omulembe Gwa Muteesa II** kye kitabo ekittottola ebyaliwo mu mulembe gwa Ssekabaka Muteesa era kijja kumalawo olufu oluli mu byafaayo bya Buganda mu mulembe ogwo. Mu kitabo kino abasomi bajja kumanya Ssekabaka bwe yali alowooza n'okulumirwa abantu be, obuzira bwe yalaga ssi ku byamutuukako mu biseera by'abafuzi b'Amatwale byokka naye n'engeri gye yeemuiulamu n'asobola okufuluma olubiri bwe yali azingiziddwa amagye ga gavumenti gye yali akulembera nga President wa Uganda,ne kye yagakola bwe yatuukiriza enjogera y'Abaganda egamba nti, ***"Atakulekera nawe tomulekera, ennyanja ekumira nawe ogimira."***

**Omutaka Ernest Z. Kibuuka,** yazaalibwa Nasanaeri Byangota mu kika ky'Endiga. Ng'amaze okuwangula sikaala ya Gavumenti yagenda okusomera mu Kings College Budo okuva mu 1923 okutuuka mu 1925. Yalondebwa okusigala asomese e Budo nga y'omu ku basomesa abataali bazungu. Yatandika okusomesa mu 1926, era ***Omulangira Edward Muteesa*** y'omu ku bayizi be yasomesa. Mu 1953, Kibuuka yalondebwa okuba omuwandiisi w'Akakiiko Professor Keith Hancock, akaamanyibwa nga aka ***Wankoko*** akaateekebwawo okutema amakubo g'ebyenfuga mu Buganda oluvannyuma lw'okuwannangusibwa kwa Kabaka Muteesa. Kibuuka ono ye yakyusanga ebyabanga biteesebbwa okubizza mu Luganda.

CRANE BOOKS
786

EARNEST Z. KIBUUKA OMULEMBE GWA MUTEESA II

# OMULEMBE GWA MUTEESA II



EARNEST Z. KIBUUKA

# OMULEMBE GWA MUTEESA II

ERNEST Z. KIBUUKA

CRANE BOOKS

CRANE BOOKS
P.o. Box 8620 Kampala
email: library@imul.com

All rights reserved.

ISBN 9970 01 041 3

*Ernest Kibuuka*

Kyasooka okufuluma 2004



EBIRI MU KITABO

*Obubaka bwa Nnaalinnya.......................................................vi*
*Obubaka bwa Ssaabakaaki.....................................................viii*
*Okwebaza.............................................................................ix*
*Ebitonotono ku muwandiisi......................................................x*

*ESSUULA 1:............................................1*
*AMASOOKA GA MUTEESA*
*Okuzaalibwa kwe*
*Okubula kwa Daudi Chwa II*
*Nnamasole afumbirwa*
*Okutikkira Muteesa*

*ESSUULA 2: ............................................34*
*MUTEESA ATANDIKA OKUFUGA*
*Kabaka yeyongera okusoma*
*Akasasamalo No.8*
*Okuwasa kwa Kabaka*

*ESSUULA 3:............................................50*
*OMUGGUNDU MU BUGANDA*
*Ekizibu kya Federation ya East Africa*
*Akasasamalo No. 9*
*Gavana Cohen Atuuka mu Uganda*
*Amatikkira ga Queen wa Bungereza*
*Ebbaluwa ya Kabaka eri Gavana*
*Enteeseganya wakati wa Kabaka ne Gavana*
*Muteesa Agaana okumusibako amatu g'embuzi*
*Ekiwandiiko Kazaalabulwa*
*Muteesa Awaŋŋangusibwa*
*Ebyaddirira okuwaŋŋangusa Muteesa*

*ESSUULA 4: .................................. 72*

*OBUBONERO OBULAGA NGA KABAKA ALIDDA*
*Olukiiko lwa Bungereza lwecwacwaana*
*Muliira Ayanika Resident*
*Okukungubaga mu lwatu*
*Ekiwandiiko ky'Ababaka b'Olukiiko*
*Queen Elizabeth Akyalira Uganda*
*Professor Hancock Atuuka mu Buganda*
*Gavana Teyalina Buyinza*
*Amadda ga Kabaka Gabindabinda*
*Gavana Cohen asisinkana Muteesa*
*Omukulu w'Amatwale Alangirira*

*ESSUULA 5:.................................. 89*

*BUGANDA MU NTEEKATEEKA EMPYA*
*Olukiiko luyisa Endagaano ya 1955*
*Kabaka addamu okukozesa obuyinza bwe*
*Enteekateeka empya zitandika okukola*
*Buganda eronda gavumenti empya*
*Okweteekerateekera amadda ga Kabaka*
*Kabaka atuuka mu Buganda*
*Endagaano ya 1955 ekakasibwa*
*Obuganda bweyozayoza olw'okudda kwa Kabaka*
*Ebyafunibwa mu Ndagaano ya 19955*
*Gavana Cohen addayo e Bungereza*

*ESSUULA 6:.................................. 135*

*UGANDA YETEGEKERA OKWEFUGA*
*Okulonda obutereevu*
*Uganda Consitituonal committee*
*Boycott ya 1959*
*Akakiiko ka Lord Munster*
*Okulonda mu 1961*
*Endagaano ya Buganda 1961*
*Muteesa agaana okusala mu nsi ye*
*Olukiiko olwateekateeka okwefuga kwa Uganda*

*ESSUULA 7:.................................. 164*

*OKWEFUGA KWA UGANDA*
*Buganda efuna okwefuga kwayo*
*Okwefuga kwa Uganda*
*Okuggulawo Parliament empya*
*President wa Uganda omubereberye*
*Kazigizigi mu by'obufuzi atandika*
*Amasaza ga Buganda gabula*
*Amaggye gatandika okutta abantu*
*Nkangi alya Obwakatikkiro*
*Okukungubaga wonna mu Buganda*
*Akasambattuko mu Parliament*
*Obote ayimiriza Constitution*
*Obote azinda olubiri*
*Buganda esattululwa*

*ESSUULA 8:.................................. 216*

*OMULIRO GUZIKIRA*
*Obote abikira Obuganda*
*Okusabira Enjole mu London*
*Gavumenti y'Obote ewambibwa*
*Amini Akkiriza okuzza Enjole*
*Okwogera kw'Amini e Kololo*
*Enjole mu Palimenti ne mu Kanisa*
*Okuziika e Kasubi*
*Mutebi asika*
*Okwabya olumbe*
*Bakatikkiro ba Muteesa*
*Abaana ba Muteesa*
*Ekiraamo kya Muteesa.*

# OBUBAKA BWA SSAABAKAAKI

Nsanyuse nnyo bwe nsabiddwa abafulumizza ekitabo kino okubaako ebigambo ebitonotono bye mpandiika ku mulimu gwabwe guno ogwakolebwa Omwami E.Z.Kibuuka. Omwami Kibuuka yali musomesa wange mu Kings College Budo okuva mu 1932 okutuuka mu 1935. Yatusomesa ebintu bingi nga muno mwe mwali Baibuli n'Ebyafaayo. Yanyumisanga nnyo bwe yatusomesanga Ebyafaayo Eby'edda(Ancient History). Ebyafaayo ebyo twabiyiganga mu Lungereza. Nkyajjukira nga mwalimu ekigambo ***percussion*** naye nga Kibuuka kimuteganya nnyo okukyatula. Yakiyitanga ***percusoni,*** ffe ne tukifuula ennenge ne tugamba nti yakiyitanga ***curpersoni.*** Olwo ne tulyoka tumutuuma erinnya erya ***Kapasoni,*** naye nga tewali asobola kulimuyita mu lwatu olw'okumutya ate nga tumwagala nnyo

Abasomi b'ekitabo kino bafunye omukisa gwa njawulo kubanga ebisinga obungi ku by'awandiise Kibuuka yabirabira ddala oba yabirimu. Wabula ng'omulungi bwatabulako kamogo era waliwo bingi byatawandiiseko oba olyawo olw'obufunda bw'ebiseera.. Kale nno abasomi basaanidde okwetegereza buli awali empungu bagezeeko okuzijjuza nga baziraga abafulumizza ekitabo kino, kyongere okujjuzibwa ebyafaayo byonna nga bwe byalibaddemu bwe baliba bakifulumizza nate.

Abawandiisi b'ebitabo nga kino batusoomoza nnyo naffe tubeeko kye tuwandiika. Mu kusoomoza okwo mwe muva ebitabo ebirala bingi osanga ebitaalibaddewo singa tekuba kusoomozebwa. Kino kiba bwe kityo kubanga omuwandiisi omu tasobola kumalayo kalonda yenna gw'ayagala okuwandiika ku nsonga gundi. Ne ku mulundi guno Kibuuka atusoomoozezza naffe twongereze we yakoma.

Nneebaza nnyo Omwami Kibuuka olw'omulimu guno ate era ne nnyongera n'okwebaza Ba Crane Books okutufulumiza ekitabo eky'omugaso nga kino.

***Ernest K.K.Sempebwa***
***Ssaabakaaki wa Muteesa II (1942-1945)***
August 2004



# *OKWEBAZA*

*Omugenzi Ernest Kibuuka bwe yali tannafa yankwaasa ebiwandiko bye yayagala bikubwemu ekitabo ekiraga ebyafayobya Ssekabaka Muteesa II. Okuva olwo mbadde nteekateeka ebiwandiko bino mu ngeri ekitabo gye kiteekwa okubeeramu. Mu mulimu guno nnyambiddwako abantu ab'enjawulo abalina obumanyirivu mu kuwandika ekitabo na ddala mu lulimi Oluganda. Mu bannyambye, bonna be nneebaza ennyo, nteekwa okunokolayo omugenzi Bonnie Lubega eyali atandise ku mulimu guno Mukama we yamuyitira. Owekitiibwa Mustafa Mutyaba y'akitegese awamu n'okwongera okunoonyereza ku Kibuuka byataamaliriza; okuzuula ebifaananyi byonna ebikozesebbwa n'okukkiriza aba Crane Books okukifulumya mu kyapa; mmwebaza nnyo nnyini ddala. Kati omulimu guwedde kyokka nneetonda kubanga gututte akabanga naye kasita guwedde.*

*Nkakasa nti omusomi ajja kutegeera ebyafayo bya Buganda mu kiseera ekyali ekizibu ennyo. Ate ekikulu, ebyafayo bino byawandikibwa omuntu eyaliwo ng'ali wakati mu byo ate ng'akola emirimu gy'obuvunanyizibwa egyatuukirwangako ensonga eziri mu kitabo kino.*

*Ndi musanyufu nnyo okulaba ng'omulimu mukwano gwange Kibuuka gwe yaleka akoze gumalirizibbwa nga bwe yayagala. Tumwebaza nnyo mukwano gwaffe Kibuuka.*

***John Ssebaana Kizito***
***Kampala***
*November 2004*

# EBITONOTONO KU MUWANDIISI

Omuwandiisi w'ekitabo, ***Omutaka Ernest Z. Kibuuka***, yazaalibwa ku kyalo Mende mu Busiro. Kitaawe ye Nasanaeri Byangota mu kika ky'Endiga. Yasooka kusomerako e Ndejje Central School, Bulemezi, eyo gye yava ng'amaze okuwangula sikaala ya Gavumenti n'agenda okusomera mu Kings College Budo okuva mu 1923 okutuuka mu 1925; gye yafunira ebbaluwa eya First Class nga bwe yayitibwanga mu biro ebyo. Yalondebwa okusigala asomese e Budo nga y'omu ku basomesa abataali Bazungu. Yatandika okusomesa mu 1926 ate mu 1930 yalondebwa okugenda okubangulwa mu by'obusomesa mu somero eryayitibwanga ***Normal School*** eryabeeranga mu Makerere nga tannafuuka university. Ku nkomerero ya 1930 yavaayo n'ebbaluwa emukkiriza okusomesa mu masomero ga secondary.

Mu kusomesa e Budo, ***Omulangira Edward Muteesa*** y'omu ku bayizi be yasomesa. Oluvannyuma Kibuuka obusomesa yabulekulira n'asaba okufuuka omubazi w'ebitabo (Accountant), mu ggwanika lya Buganda e Mengo. Okuva awo yagendanga akuzibwa n'afuuka Senior Accountant okutuusa lwe yatuuka ku bwa Under Secretary w'Omuwanika. Mu 1953, Kibuuka yalondebwa okuba omuwandiisi w'Akakiiko Professor Keith Hancock, akaamanyibwa nga aka ***Wankoko*** akaateekebwawo okutema amakubo g'ebyenfuga mu Buganda oluvannyuma lw'okuwaŋŋangusibwa kwa Kabaka Muteesa. Kibuuka ono ye yakyusanga ebyabanga biteesebbwa okubizza mu Luganda. Mu 1956 Kibuuka yagenda e Bungereza ng'ali wamu n'abaami ba Kabaka okwetegereza enkiiko za districts eyo bwe zikwatamu ensimbi zaazo. Era oluvannyuma lw'Obote okuggyawo Obwakabaka bwa Buganda, Kibuuka yawummuzibwa emirimu gya Buganda olwo n'agenda okutandika okulima.

Ng'ayogera ensonga eyamuwaliriza okuwandiika ekitabo kino kwe kulaba ng'ebitabo ku Buganda bigenda bibula, ng'ekyo kiyinza okutuusa n'ebyafaayo okubulira ddala. (***Kyakusaalirwa Kibuuka yagenda okufa ng'ekitabo kino tekinnafuluma mu kyapa. Naye kya ssanyu okulaba nti kye yagenderera kakati kituukiridde bwe kifulumye mu kyapa ate nga n'ebyafaayo bya Buganda bibadde bituuse okufumwa.)***





***Kabaka Edward Muteesa II***

ESSUULA 1

# OBUTO BWA MUTEESA


***Omulangira Edward William Frederick Walugembe Mutebi Luwangula Muteesa*** yazaalibwa nga November 19, 1924 mu maka ga Dr. Cook e Makindye. Maama we ye ***Irene Drusilla Namaganda***, muwala wa Rev. Yonasani Kayizzi e Kibutamu mu Buddu. Irene Namaganda yali omu ku bawala abaasooka okusomera e Gayaza High School era eyo Kabaka Daudi Chwa gye yamuggya okumuwasa. Omulangira ono omuto yafunirwa omulenzi muto munne, ***Israel Ngobya***, okumubeesabeesa n'okuzannya naye. Bwe yaweza emyaka etaano egy'obukulu yatwalibwa mu King's College Budo. Yawerekerwako omukyala, ***Victoria Nakayima,*** nnyina omuto, amulabirirenga. Muteesa bwe yakula n'alya Obwakabaka, omukyala oyo Nakayima yabeerera ddala mu lubiri okuweereza mutabani we ate oluvannyuma yalabirira ne bazzukulu be, abaana ba Muteesa, okutuusiza ddala mu 1966 Obote bwe yalumba olubiri abantu bonna bamale basaasaane.

Mu ssomero e Budo Muteesa yabeereranga ddala mu maka g'Omukulu w'e Ssomero, ***Rev. H.M.Grace***,mwe yagunjulirwa awamu n'abaana ba Grace mu mpisa z'Ekikulistayo n'obuntubulamu. Oluvannyumako yafunirwa omusomesa ow'enjawulo, ***Mr. Crittenden*** okulabira ddala ng'omulangira atendekebwa bulungi mu ngeri zonna ng'omulangira alirya Obwakabaka. Walirowoozezza nti Muteesa engeri gye yakulira mu mikono gy'Abazungu teyamanya mpisa n'enjogera z'abantu be



*Omulangira Muteesa*

Abaganda, naye ekyo si bwe kyali. Emyaka gye yamala e Budo yeetabanga mu mbeera z'abayizi eza bulijjo, n'akola byonna abayizi bye baakolanga omwo nga mw'otwalidde empisa n'engeri zonna abaana ze baabeerangamu ate ng'abamu baalinga ddala mikwano gye. Ate mu biseera eby'okuwummula, kitaawe ng'atera okumusindika mu bisaakaate bya basajja be nga Mugwanya, Omulamuzi. Ate bwe yalya Obwakabaka Gavumenti yamulondera abasajja abakulu bano: ***Tomasi Lwabidongo, Yosia Kyazze ne Andereya Kyemwa***, okumuwanga amagezi mu by'empisa y'ensi.



***Daudi Chwa ng'aleze Muteesa***




## DAUDI CHWA AKISA OMUKONO

Mu biseera ebyakomererayo mu bufuzi bwe, Ssaabasajja Daudi Chwa yasalawo obuteenyigira nnyo mu bya bufuzi ng'ebisinga obungi abirekera Baminista be. Era ebiseera ebyo Kabaka yali atawaanyizibwa obulwadde kyokka ng'Abazungu aba Gavumenti Enkuumi n'abamu ku baami be tebategeera buzibu na bulumi bwe yalimu. Abazungu baalowoozanga nti yali ayagala kujeema songa abamu ku baami be baalowoozanga nti yayagalanga kubalekera mirimu. Wewaawo enkolagana ye n'Abazungu yali tekyalimu bbugumu olw'ensonga ze yawanyisiganyanga nabo ku nfuga ya Buganda naye nga bo balabika ng'abatafaayo kulowooza ku birowoozo bye yabagamba nga. Nolwekyo embeera wakati we n'Abazungu yatandika okuba ng'eyo eyaliwo wakati wa Kitaawe (Mwanga) n'Abazungu abaali bafuga ekyamutuusa okubajeemera.



***Kabaka Daudi Chwa***


Obulwadde bwe bweyongera okumugonza ku ntandikwa ya 1939 yagenda mu maka ge e Salaama ku lubalama lw'ennyanja Nalubaale n'abeera eyo. Baminista ne bagezaako okumusaba akomewo mu lubiri e Mengo we bamulabira amangu naye n'agaana kubanga yawulira ng'obulwadde bumuyiisizza. Kigambibwa nti mu kiseera ekyo Gavana yalowoolereza ddala nti Kabaka yali ajeemye era n'atumya amaggye ga K.A.R. okuva e Kenya gamukwate nga bajjukira embeera eyaliwo wakati wabwe ne Mwanga.Kabaka bw'alaba aweddeyo kwe kusenguka n'ava e Salaama n'agenda alwalira ewa Maama we, Everylin Kulabako Namasole e Lusaka okumpi n'e Kibuye. Ku lwa November 21,1939 Kabaka yali bubi nnyo era omusawo we Dr.Sullivan eyabeeranga e Nsambya yayitibwa ajje amulabe. Naye enkeera nga 22 November 1939 obudde bwali busaasaana Kabaka n'aggya omukono mu ngabo



***Ssabasajja Kabaka Daudi Chwa ne Katikkiro Martin Luther Nsibirwa***



Abakulu abasatu, Katikkiro, Omulamuzi, Omuwanika n'Omulangira Mawanda, baaliwo nga Kabaka abula. Oluvannyuma enjole ye yatwalibwa mu lubiri e Mengo n'egalamizibwa mu ddiiro eddene mu Twekobe. Obuganda omwo mwe bwagisanga okugiraba n'okugikungubagira. Awo ne baddira enkufiira ye ey'Amaggye, ekitala, medulo n'ebitiibwa ebirala bye yafuna ne biteekebwa ku kameeza akatono akaali awo emitwetwe w'enjole. Ku kameeza okwo era kwe baateeka n'engule ey'Ekiganda Abagiriinya gye baluka. Awo Katikkiro, Martin Luther Nsibirwa n'alyoka alangirira nti "***Omuliro guzikidde. Kabaka waffe omwagalwa, Ssabasajja Daudi Chwa yaggye omukono mu ngabo ku ssaawa emu ey'enkya ya leero!***"Bwe yamala ebyo n'alagira Kawuula okukuba Mujaguzo okubikira Obuganda. Abantu bwe baawulira Mujaguzo ne beesiba ebimyu n'amafuvu okukungubaga. Abakazi beesiba emige ku mitwe ne bakuba ebiwoobe! Namwandu, Irene Nabagereka, yeesiba olubugo n'alukomya mu kifuba ng'asibizzaako olwebaggyo n'atuula awali enjole n'akungubaga awamu n'abazaana n'abambejja bangi ddala.



*Enjole mu Twekobe*

Ebigambo Katikkiro bye yayogera nti omuliro guzikidde tebyali bigambo bugambo ebitalina makulu wabula ***Omutaka Musolooza*** ng'ono ye mutaka omukulu akuma omuliro gwa Buganda ogubeera mu kyoto ***Ggombolola*** awo wabweru wa Wankaaki w'Olubiri, olwali okuwulira ebigambo bya Katikkiro ekyoto n'akifukamu amazzi n'omuliro ne guzikira. Era n'ebisiki byonna n'abisaasaanya. N'abeera awo ng'alinda Kabaka omulala lwaliteekebwako alyoke akume ekyoto buto.

Abakulu abasatu, Abamasaza n'abataka abakulu ekiro ekyo baakisula mu lubiri nga bateesa ku mulangira anaalya Obwakabaka. Oluvannyuma erinnya baalyanjulira Olukiiko lwa Buganda olukulu era nalwo ne lukakasa ***Omulangira Edward Muteesa*** okulya Obuganda. Oluvannyuma erinnya eryo lyaweerezebwa eri Gavana, Sir Philip Mitchel, naye n'alikakasa ng'Endagaano ya Buganda eya 1900 bw'egamba ku kukakasa Kabaka omupya. Olwo Abakulu ne batuma Omwami Hamu Mukasa eyali Ssekiboobo n'akima Omulangira Muteesa e Budo n'ajja ***okubikka akabugo*** ku njole ya Kitaawe akabonero akasooka okutegeeza Omulangira alidde Obwakabaka. Kabaka nga yakakisa omukono Gavana wa Uganda yalayiza abakulu bano okuba Abakuza (Regents) ba Kabaka omuto: ***Martin Luther Nsibirwa, Katikkiro, Rauli Kiwanuka, Omulamuzi ne Serwano Wofunira Kulubya, Omuwanika.***

Nga 25 November 1939 ku ssaawa ssatu n'ekitundu ez'enkya enjole ya Ssekabaka yatwalibwa mu Kanisa Litikko e Namirembe okusabirwa. Yakulemberwa Omulangira Yusufu Ssuuna, Taata omuto wa Muteesa, Omulangira G.Mawanda, Kiweewa wa Buganda n'Abalangira awamu n'Abambejja abalala bangi abaaliyo mu Kanisa mu kusaba okwo. Kabaka Muteesa naye yalimu mu kusaba naye teyagenda kuziika kubanga Bakabaka b'e Buganda tebeetaba mu kuziika muntu yenna era omuntu yenna ava okuziika takkirizibwa kugenda kulaba ku Kabaka ku lunaku lw'aba akoze ekikolwa ekyo.



## ABALANGIRA N'ABAMBEJJA SSEKABAKA CHWA BE YAZAALA

Daudi Chwa yazaala asatu mu mukaaga (36):

1. ***Everyn Alice Zalwango Nassolo*** yazaalibwa 6 December 1915. Maama we ye Miria Nalule (Namutidde) wa Ngeye.

2. ***Yuniya Mary Namaalwa Kagere*** yazaalibwa 28 August 1916. Maama we ye Dulukansi Nanteza (Muwakanya) wa Ffumbe.

3.***Irene Drussilla ŋanda Ndagire*** yazaalibwa 31 October 1961. Maama we ye Rebecca nalunkuuma (Muwanguzi) wa Ndiga.

4. ***Catherine Namukaabya Nassimbwa*** yazaalibwa 11 November 1918. Maama we yali Alice Janet Nakalema (Mumbejja).

5. ***George William Mawanda*** yazaalibwa 10 January 1919. Maama we yali Mangada Nakanyike (Mugolola) wa Mamba.

6. ***Christene Getrude Tebattagwabwe Nabanaakulya*** yazaalibwa 30 June 1919. Maama we Lusi Namagembe (Muchwa) wa Mbogo.

7. ***Margaret Julian Lwantale*** yazaalibwa 13 June 1920. Maama we Irene Dulusilla Namaganda (Nabagereka) wa Nte.

8. ***Victoria Beatrice Namikka Mpologoma Kamuwanda*** yazaalibwa 21 October 1920. Maama we Abisaagi nabunnya (Musuuna) wa Ngeye.

9. ***Frederick Robert Sekamaanya Kayondo*** yazaalibwa 17 November 1920. Maama we Blandina Nankumbi (Muteesa) wa Ngeye.

10. ***Edisa Manjeri Nabweteme*** yazaalibwa 19 December 1920. Maama we Miria Nalule (Namutidde) wa Ngeye.

11. ***Edward William David Walugembe Mukaabya*** yazaalibwa 22 March 1921. Maama we Sarah Naiga (Nakasolya) wa Ngabi

12.***Alikizandereya Marya Balikanda Nakamaanya*** yazaalibwa 11 July 1921. Maama we Luusi Namagembe (Muchwa) wa Mbogo.

13. ***Albert Victor Wassajja Lumansi*** yazaalibwa 17 July 1924. Maama we Bulandina Nankumbi (Muteesa) wa Ngeye.

14.***Victoria Alice Mary Nakalema Nalwoga*** yazaalibwa 21 July 1924. Maama we Dorothy Nabankema (Mukaabya) wa Musu.

15.***Edward Frederick David William Walugembe Muteesa*** yazaalibwa 19 November 1924. Maama we Drusilla Namaganda(Nabagereka) wa Nte.

16.***Evelyn Nachwa*** yazaalibwa 24 March 1925. Maama we Aida Nabwami (Omusumba) wa Mbogo.

17. ***Henry Kalemeera Wasswa*** yazaalibwa 8 April 1925. Maama we Lusi Namagembe (Omuchwa) wa Mbogo.

18. ***Alfred Kiggala Kato*** yazaalibwa 8 April 1925. Maama we Lusi Namagembe (Omuchwa) wa Mbogo.

19. ***Sepiriya Daniel Luswata*** yazaalibwa 20 May 1925. Maama we Miriam muwala wa Kaizzi wa Nte.

20.***Richard Lumaama*** yazaalibwa 26 September 1925. Maama we Sarah Naiga (Nakasolya) wa Ngabi.

21. ***James Sekannyo Mutebi*** yazaalibwa 4 November 1925. Maama we Erina Nambogo (Omuwanguzi) wa Mamba.

22. ***Abraham Lincoln Ndawula*** yazaalibwa 1925. Maama we Eresi (Mukeera) wa Ngabi.

23. ***Elizabeth Nakabiri Lwamuganwa*** yazaalibwa 11 June 1926. Maama we Kasalina Kimbowa (Musammula) wa Musu.



24. ***Daniel Mwanga Basammula*** yazaalibwa 25 February 1927.Maama we Aida Nabwami (Omusemba) wa Mbogo.

25. ***Bowadisiya Nkinzi*** yazaalibwa 10 March 1927. Maama we Miria Nalule (Namutidde) wa Ngeye.

26. ***Augustine Tebandeke*** yazaalibwa 23 April 1927. Maama we Julieri Nantumbwe wa Kkobe.

27. ***Henry Kagolo Kimera*** yazaalibwa 7 July 1927. Maama we Dorah Nabankema (Mukaabya) wa Musu.

28. ***Geraldine Nakayenga*** yazaalibwa mu 1928. Maama we Catherine Kimbowa ( Musammula) wa Musu .

29. ***Juliana Muggale*** yazaalibwa 8 June 1928. Maama we Sarah Naiga.(Nakasolya) wa Ngabi.

30. ***Yusufu Suuna Lulambulankoola*** yazaalibwa 28 December 1928. Maama we Lusi Namagembe( Muchwa ) wa Mbogo.

31. ***John Christian Lukanga*** yazaalibwa 1 August 1929. Maama we Aida Nabwami (Omusamba) wa Mbogo.

32. ***Onesifulo Juuko*** yazaalibwa 9 May 1930. Maama we Sarah Naiga (Nakasolya) wa Ngabi.

33. ***Egbaat Kamaanya*** yazaalibwa 25 May 1930. Maama we Erina Nambogga (Omuwanguzi) wa Mamba.

34. ***Mulondo*** yazaalibwa 14 February 1934. Maama we Aida Nabwami (Omusamba) wa Mbogo.

35.***David Alexander Simbwa*** yazaalibwaq 21 March 1934. Maama we Erina Nambogo(Muwanguzi) wa Mamba.

36.*Esteri Mazzi* yazaalibwa 22 February 1935. Maama we Sarah Naiga (Nakasolya) wa Ngabi.

## EMIKOLO GY'OKUSIKA

Oluvannyuma Muteesa baamwambaza eddiba ly'ennyana y'ente kubanga ne Bajjajjabe abaamusooka baayambalanga maliba ga nte. Ate n'ayambazibwa eddiba ly'engo nga kano ke kabonero akalaga nga ye Kabaka kubanga eddiba ly'engo lyayambalwanga Kabaka yekka. Oluvannyuma Katikkiro yamukwasa amafumu abiri n'engabo nga bw'amugamba nti' ***"Kwata engabo eno n'amafumu gano olwanirirenga ensi yo era owangulenga.*** Era yamukwasa empiima (ekitala ekiganda) n'amugamba nti: ***Twala empiima eno osalenga emisango n'amazima awamu n'obwenkanya era bonna abanaakujeemeranga obabonereze n'empiima eno."*** Ate yamukwasa akasaale n'amugamba nti: ***Akasaale kano kategeeza nti abasajja bo bwe baalwanyisanga abalabe ba Buganda nga babawangula.*** Oluvannyuma Kabaka yayambazibwa omugogo ogwawundibwa n'obutiiti ku mukono nga bwe bamugamba nti: ***"Ggwe Kimera",*** Kabaka eyavaamu olulyo olulangira oluliwo leero. N'emikolo emirala mingi egy'okusika n'okulaamiriza gyakolerwa munda mu lubiri.

Omukolo omulala omukulu ennyo gwakolebwa Omugoma omukulu ***Kawuula*** eyamukwasa eminyolo n'amulagira okukuba ku Mujaguzo ekubwako Kabaka yekka aba alidde Obwakabaka. Olwamala okukuba ku Mujaguzo ne bamuleetera basajja be abamukolera emirimu egy'enjawulo nga abagoma, abaggazzi, abadongo, abalere, abafumbiro abasenero n'abalala bangi okubamulaga. Bonna awamu baawera ebikumi bisatu n'okusingawo. Oluvannyuma Katikkiro yaleeta abaami abakulu n'abanjula mu maaso ga Kabaka wabwe. Abo beeyala wansi ne beyanza ne basituka ne bawera nga bamutegeeza nga bwe bajjanga okumuweereza n'obwesigwa awamu n'obuwulize. Ebyo olwaggwa Kabaka baamulaga baganda be Abalangira n'Abambejja n'ab'Olulyo lwonna Olulangira. Kabaka yamala sabbiiti bbiri nnamba mu lubiri ng'ali ku mikolo gino. Yagenda okuddayo mu ssomero e Budo ng'akooye aweddeyo. Yalinnya ku Nnamulondo nga wa myaka kkumi n'etaano (15) egy'obukulu, era yasikira wamu n'***'Omumbejja Juliana Lwantale***, omwana wa Irene nga ye Lubuga we ayitibwa ***Nnaalinnya.***



## OKUFUMBIRWA KWA NNAMASOLE



***NNAMASOLE DRUSSILLA NAMAGANDA***

Muteesa bwe yali akyasoma e Budo mu mwaka 1941 era nga tannaba kukwasibwa mirimu emitongole egy'Obwakabaka nga wakyaliwo Baregent, wajjawo ensasagge ey'amaanyi mu by'obufuzi bwa Buganda eyayuuguumya ennyo gavumenti y'e Mengo

era n'ereka ng'Omulabirizi w'e Namirembe, Bishop Stuart, abantu ba Buganda bamuggyemu obwesige. Mu mwaka ogwo 1941 Nnamasole , nnyina wa Kabaka Muteesa II yayasanguza mu lwatu nga bwe yali agenda okuddamu okufumbirwa omusajja omulala ng'agattibwa naye empeta mu Kanisa e Namirembe. Kinajjukirwa nga Ssekabaka Daudi Chwa II eyali bba 'wa Nnamasole yafa mu 1939 nga Nnamasole okusalawo okufumbirwa waali wakayita emyaka ebiri gyokka bukya bba afa. Ate era kisaana kijjukirwe nti mu mpisa z'Abaganda, Kabaka bw'afa Nnamasole taddayo kufumbirwa okutuusa naye lw'afa. Nolwekyo kyatabulatabula emitima gy'Abaganda okuwulira ekitawulirwangako nti ate Nnamasole afumbirwa, ate nno yalifumbiddwa naye ate omukopi!!

Naye ku mulundi guno, ate nga gwe gwali gusoose mu byafaayo bya Buganda, Nnamasole yali agenda kufumbirwa omusajja omuvubuka eyali ayitibwa ***Simon Peter Kigozi***, Omusomesa eyali amaze ebbanga ng'asomesa mu ssomero lyo mu lubiri eryayitibwanga ***Nnabagereka Primary School.*** Abataka abakuuma empisa n'obulombolombo bw'Eggwanga bwe baawulira amawulire ago ggwe wamma ne bakwata wansi ne waggulu. Baminisita n'Olukiiko lwa Buganda olukulu ne basoberwa nga beebuuza kiki kye banaakolera Nnamasole eyali asazeewo okumenya empisa y'ensi n'okuleekaanya abantu obwenkanidde awo. Aba Gavumenti ya Buganda bwe beebuuza ku bakulu b'e Kanisa e Namirembe ku nsonga y'okugatta Nnamasole n'omusajja omulala baabaddamu nti mu mateeka agafuga e Kanisa, omuntu okuba Nnamasole ssi nsonga egaana okugattibwa mu bufumbo obutukuvu era ne bongerako nti bwe wataliba nsonga ndala erimu mulamwa bo baali beetegefu okugatta Nnamasole oyo n'omusajja gwe yali yerondedde mu bufumbo obutukuvu.

Mu Buganda Kabaka ye Ssaabataka akulira empisa ennungi n'obulombolombo Eggwanga lya Buganda kwe litambulira. Era ye yekka alina obuyinza okuggyawo oba okukyusa ku mpisa yonna nga bw'aba asiimye. Ebya Nnamasole bwe byalemagana nga Nnamasole agaanyi okukyusaako ate nga ne gavumenti ya Buganda nayo erumye n'ogw'engulu, Baregent kwe kugenda babitegeeze Ssaabataka asalewo.



Yasalawo n'akkiriza nnyina afumbirwe. Waayita ebbanga ttono Simon Peter Kigozi ne Irene Namaganda ne bagattibwa mu Kanisa ya Anglican Church e Kibuye. Oluvannyuma baazaala n'omwana omulenzi era ne babeera bulungi mu bufumbo bwabwe okutuusa okufa lwe kwabaawukanya. Irene Namaganda yafa mu 1957 n'aziikibwa ku Kanisa Lutikko Namirembe naye we yafiira ng'obwa Nnamasole yabuggyibwako dda era nga ne mu maka amatongole e Lusaka yavaayo. Nga bagoberera empisa y'olubiri ey'okusiigira Kabaka, ab'ekika kya Namaganda, eky'Ente, baasabibwa era ne basiiga omukyala omulala Perepetwa, muto wa Namaganda, okukola nga Nnamasole.

Newankubadde ng'abantu ba Buganda abasinga obungi baanyiigira nnyo Nnamasole okufumbirwa nate naye era waaliwo abamu abaamusemba afumbirwe nga bagamba nti ekya Nnamasole obutafumbirwa ng'ate Kabaka afudde yali mpisa nkadde eyali esaana okukyusaamu kubanga yali eyingira mu ddembe lya Nnamasole. Mu baami abakulu abaasemba Nnamasole afumbirwe mwe mwali ***Martin Luther Nsibirwa***, Katikkiro, ***Hamu Mukasa***, Ssekiboobo ne ***Festo Manyaŋenda*** eyaliko ow'essaza Sebwana. Bano mu kugatta Irene baaliiyo naye bwe baali bavaayo emmotoka zabwe abantu ne bazikuba amayinja. Ebya Katikkiro okusemba Nnamasole okufumbirwa tebyakoma awo naye n'Olukiiko olukulu olwa Buganda lwayisa ekiteeso ekigoba Nsibirwa ku Bwakatikkiro. Bwatyo Nsibirwa n'akomyawo Ddamula mu July 1941 Kabaka n'amukwasa Omwami Samwiri Wamala.

## OKUTIKKIRWA KWA KABAKA

Emikolo gy'amatikkira ga Kabaka gyatandika kiro ekyakeesa olwa 19 November 1942. Zaali essawa mwenda ogw'ekiro, eŋŋoma enkulu ***Mujaguzo*** ey'Obwakabaka n'etandika okuvugira mu lubiri. Olw'obudde obuweweevu obw'ekiro mu ttumbi, eŋŋoma eyo yawulikika bulungi ng'ewuluguma ekiro mu ttumbi mu ddoboozi lyayo eriggumivu eritawaawaala nga liwuluguma nga bw'owulira eggulu eriduduma nga liri ewala ng'eduduma bweti: ***"Bulwa, Bulwa, Bulwa, Bulwa, Bulwa..."*** Olwo Obuganda bwonna ne butegeera nti nti Ssaabasajja gyali mu lubiri era nti emikolo gye baali basuliridde gituuse. Mujaguzo bwe yasirikangamu ate n'olyoka owulira eŋŋoma endala

ez'Obwakabaka nga zivuga amaloboozi amaseeneekerevu. Muno mwe mwali ***Entamiivu, Entenga Nnakawombe n'endala nnyingi***

Ku makya nga 19, November 1942 emikolo gyatandika n'okusaba mu Kkanisa Lutikko Namirembe. Enkumi n'enkumi z'abantu baaliyo mu kusaba kuno. Abafuuyi b'amaggwaala aba King's African Rifles (K.A.R.) baaliyo okukulembera ennyimba ezayimbibwa kw'olwo. Ku ssaawa ssatu zennyini Ssaabasajja Kabaka, Gavana wa Uganda n'Omulangira George Mawanda ne batuuka nga bawerekerwako Bishop Stuart. Okusaba kwatandika era kwali kwa kitiibwa nnyo era anti Ekanisa n'olusozi lwonna olw'e Namirembe by'asaanikirwa amaloboozi ag'essanyu. Okusaba nga kuwedde abantu bonna baagumbulukuka nga beeyuna okugenda mu maaso g'Olubiri e Mengo awaali wagenda okubeera omukolo ogw'okulayiza Kabaka. Awo emmotoka ya Saabasajja n'egenda ng'eseeyeeya mpolampola ng'egenda eyita mu nkumi n'enkumi z'abantu abaali bamulinze ku kkubo okumulaba. Bangi nnyo baamulaba mu ssanyu ery'ekitalo.

## EKIRAYIRO KYA KABAKA

Okulayiza Kabaka kwakolerwa mu kigango ekinene ekiyooyoote obulungi ekyali wabweru w'Olubiri okuliraana Wankaki. Mu bantu abakulu abaaliwo mwalimu Chief Secretary, Resident wa Buganda, Bishop Stuart, Bishop Michaud ow'e Lubaga, Bishop Joseph Kiwanuka ow'e Masaka, Henry Muloki Kyabazinga wa Busoga, Omulangira Yusufu Ssuuna, Omumbejja Juliana Lwantale, Dr.Albert Cook, Baregent, Abamasaza, Abalangira, Abambejja n'abakungu abalala bangi okuva mu gavumenti eya wakati n'eya Ssaabasajja. Abantu abalala omwali n'abaana b'amasomero nga bali eyo mu mitwalo bajjuza embuga yonna n'enguudo eziriraanyewo.

Bwe zaali zinaatera okuwera essaawa ettaano ez'enkya, Ssaabasajja yafuluma okuva mu lubiri okujja mu kigango ng'awerekerwako Omulangira George Mawanda, Abakulu abasatu, Abalangira n'Abambejja. Olwo eŋŋoma zonna ez'Obwakabaka ne zivugira waggulu nnyo nnyo nnyo okubuutikira olusozi lwonna. Amadinda, amakondeere, endere, ennanga, entongooli n'endongo byonna ne



bivugira wamu. Ekifo kyonna nga n'okududuma kiduduma. Kabaka bwe yatuuka mu kigango abantu bonna ne basituka. Omuzinga ne gutandika okuboggola emirundi mwenda okuwa Kabaka ekitiibwa. Ku ssaawa ttaano zennyini Gavana, Sir Charles Dundas, n'atuuka era n'ayanirizibwa Resident wa Buganda. Bbendera zombi, eya Buganda n'eya Bungereza ne ziwanikibwa. Aba K.A.R. ne bakuba oluyimba lwa Bungereza oluvannyuma Gavana n'alambula abaserikale era bwe yamala ekyo n'ayigira mu kigango awaali Ssaabasajja n'amulamusa n'essanyu lingi nnyo.




*Katikkiro Samwiri Wamala*

Awo Katikkiro, Samwiri Wamala, n'asituka okwanjula Ssaabasajja Kabaka eri Gavana n'amutegeeza nga Kabaka bw'atuuse okukwasibwa emirimu gye egy'Obwakabaka. Kwe kusaba Gavana alayize Kabaka ekirayiro nga tannakwasibwa buvunaanyizibwa bwe. Ekirayiro kyali kigamba bwe kiti:

***"Nze Edward William Frederick Walugembe Mutebi Luwangula Muteesa II ndayira nti, nnaaweerezanga His Majesity King George V n'amazima n'obwesigwa mu bukulu bw'Obwakabaka bw'e Buganda. Era nnaasalanga eby'ensonga eri abantu ab'engeri zonna ng'amateeka n'empisa za Uganda Protectorate bwe biri awatali kutya, okuwalirizibwa oba okukyawa kwonna. Ayi Katonda ombeere bw'otyo."***

Kabaka bwe yamala okulayira n'akiteekako omukono ne Gavana, ng'omubaka wa King GeorgeV, naye n'ateekako omukono. Ate Katikkiro Samwiri Wamala n'ateekako ng'omujulizi ku lwa Buganda Gavumenti. Okuva mu kiseera ekyo olwo Kabaka Muteesa yali amaze okukwasibwa obuyinza okufuga ensi ye. Olwo abakulu abasatu abaali

bakola mu linnya lya Kabaka nabo ebyabwe ne bikoma awo wabula ne basigaza obuvunaanyizibwa bwabwe nga Katikkiro, Omulamuzi n'Omuwanika.



*Okutikkira okw'ekizungu*

Okuteekako emikono nga kuwedde Gavana yasituka n'ayogera era ng'Omwami Paulo Kavuma, eyali akola ng'omubeezi wa Resident wa Buganda y'abikyusa mu Luganda. Gavana yasooka okukulisa n'okuyozayoza Kabaka olw'okutuuka ku lunaku olwo kwe yatandikira okufuga ensi ye. Yamutegeeza nga bw'agenda okwetikka omugugu omuzito ogwajjanga gwetikkibwa bajjajjaabe ab'edda naye n'amugumya bwati:

***"Kubanga abantu bo bakwagala, abaami n'abantu abalala mu Gavumenti yo bakola n'obuwulize awamu n'obwesigwa era n'aba Gavumenti ya Bungereza bajjanga kukolagana nawe mu ngeri y'omukwano nga bakuwa amagezi mu by'okufuga.***

***Tekyetaagisa kukujjukiza nga bw'oteekwa okulaganga obuwulize***



***bwo eri His Majesty Kabaka waffe e Bungereza, naye nkukakasa nti okulaga obuwulize gy'ali tekigenda kuleetawo njawukana n'akatono n'emirimu gy'oteekwa okukolera abantu bo. His Majesty, King George V ky'asinga okwagala ly'eddembe ly'abantu bonna, okutumbula embeera zabwe mu ngeri esaanidde n'obutasigala mabega, era nga beyagalira mu birungi byonna ensi yabwe by'erina era nga batuukwako emikisa gyonna egy'okubeera erimu ku matwale g'Obwakabaka bwe obunene era obukulu. N'olwekyo nkusaba okwesigama mu mazima abatongole King George V baalonda okufuga ensi eno. Otabagane naffe mu kukolaganira awamu mu byonna. Otwesigenga era otutwalire ddala nga ffe mikwano gyo abakuwa amagezi.***

***Ssaabasajja osikidde ensi ennungi, etuuse ku mutindo w'esobolera okusituka ne yeeyongera mu maaso n'egenda ng'ekula bulungi. Tusuubira ng'ensi eno ejja kukula na ddala nga bw'efunye Kabaka omuvubuka era omuyigirize obulungi. Waliwo bingi ebyetaagisa okukola abantu bo balyoke beeyongere mu by'okusitula embeera zabwe. Guno gunaaba mulimu gwo, era mmanyi nga nawe ky'oyagala. Nga bw'oli Kabaka ow'omulembe omuggya era omuyigirize, onookiraba nga bw'osaanira okuba omuweereza omubereberye ow'abantu. Mu birayiro byo osuubizza okusaliranga abantu bo amazima. Nkujjukiza nti okufuga okw'amazima tekukoma ku kubasalira misango mu nkiiko mwokka, wabula kutuuka ku bigambo byonna by'onobakoleranga. Bw'omanya nti waliwo ekitatuuka osaana okikoleko butereevu, sso ssi kulinda bantu bajje gy'oli nga bakusaba obayambe.***



***Governor Charles Dundus***

***Ssaabasajja ekiseera kino kye tulimu tuli mu lutalo. Entalo zikotoggera***

*nnyo eby'omugaso ebyandikoleddwa. Naye olutalo luno lwakamala emyaka esatu. Katusuubire nti lusigazza ebbanga ttono luggwe. Ssaabasajja oyingiridde okufuga ensi yo nga waliwo emikisa emirungi abantu bo okugenda nu maaso mu by'okukuza embeera zabwe n'okuba n'essanyu. Tukwagaliza okwagala abantu bo kwe bakwagala kweyongere bweyongezi mu maaso era tukwagaliza buwanguzi mu buli nsonga."*

Gavana bwe yatuula, Katikkiro Samwiri Wamala n'asituka okwogera. Yayogera mu Luganda nga Christopher Ssekkuuma Kisosonkole, Omuwandiisi w'Olukiiko abikyusa mu Lungereza. Katikkiro yasooka kuyozaayoza Kabaka n'alyoka amutegeeza ng'abakulu abasatu bwe baali bagenda okwetikkula omulimu ogw'okuddukanya gavumenti bagukwase Kabaka yennyini. Katikkiro yawera eri Kabaka n'okuwa obweyamo okuweerezanga Kabaka awamu ne Baminista be. Abaami n'abantu ba Buganda bonna. Katikkiro yebaza nnyo Gavana olw'okubaawo ku mukolo ogwo n'okulayiza Kabaka mu linnya lya King George V. Yeebaza n'abakulu abalala bonna abaali ku mukolo ogwo. Era oluvanyuma Ssaabasajja yayogera eri abagenyi be n'Obuganda bwonna. Yayogera bwati:

*"Nina essanyu okwogera gye muli ku lunaku lwa leero olw'amazaalibwa ganga nga mpezezza emyaka kkumi na munaana egy'obukulu era nga kwe kutandika okukwasibwa omulimu gw'okufuga ensi yange. Mbeebaza okunsabira okutuuka ku lunaku luno era lunajjukirwanga mu Bwakabaka bwange. Waliwo ab'amasomero abasobodde okubaawo wano leero nga bayisa ekivvulu mu maaso gange. Mbeebaza nga nsuubira nti temulemenga kunsabira eri Katonda okunkulemberanga mu mulimu guno omuzibu era omukulu ogunkwasibbwa. Njagala mutegeere nti mmwe ggwanga era ab'omulembe abajja okukoleera eggwanga lyammwe n'okunnyambanga mu buzibu obunanjolekeranga, nga mweteekateeka okukolera awamu ne Kabaka wammwe.*

*Njagala mulowooze n'ebigambo bino: Obwesigwa, Obuwulize, n'Obukwatampola. Mukuumanga obuyigirize bwammwe*



*n'okwagalanga eggwanga lyammwe. Nga mukyali mu masomero muyige nti buli omu ku mmwe abanjibwa okubeera ow'omugaso eri essomero lye era n'okubaako ky'akolera eggwanga lye. Nsuubira nga munajjukiranga ebigambo byange, ssi ku lunaku luno lwokka olw'essanyu naye era buli kiseera".*

Oluvannyuma Kabaka yagabula Obuganda era olunaku lwakomekkerezebwa n'omuzannyo gw'ekigwo ekiganda ekyali mu kisaawe Coronation Ground, e Kampala Mukadde.

## AMATIKKIRA E BUDO

Abataka ba Buganda, abakuuma empisa n'obulombolombo bw'Obwakabaka, baali tebannawulira Kabaka bw'asuubiza kukuuma n'okulwanirira Obwakabaka bwe. Baayagala okumanya oba alifuga bulungi abantu be nga bajjajjaabe okuva ku Kimera okutuuka ku ye nga bwe baakolanga. Kale nno ku makya g'olunaku olwaddirira okulayiza okwakolebwa Gavana, Abataka lwe baali bamulinze e Budo ku lusozi olw'emikolo egiteekako Kabaka omupya mu mpisa z'Abaganda.

*(Mu bitabo bya Sir Apolo Kaggwa ku mpisa ne Bassekabaka ba Buganda agamba nti ekya Bakabaka ba Buganda okugenda e Budo kyatandikira ku Kabaka Namugala. Bakabaka abaamusooka baagendanga wa Nankere, omutaka omukulu ow'essiga mu kika ky'Emmamba. Naye ku mulembe gwa Kabaka Namugala Abataka bwe baawa Kabaka okukulira ebika byonna yatandika okuyitibwa Ssaabataka era olwo lwe yakoma okugenda ew'Omukulu w'essiga Nnankere)*

## OLUGENDO LW'AMATIKKIRA

Olwa 20, November, 1942 lwe lwaliko okutikkira Muteesa II engule. Abateesiteesi baategeka emikolo gino nga bafaanaanyirizaako n'egyo egyaliwo ku matikkira ga Ssekabaka Chwa II mu 1914. Abataka baali bamaze okutegeeza abateesiteesi nti kizira omulangira agenda e Budo okutikkirwa engule okusomoka omugga Mayanja. Bwatyo Kabaka okuva mu lubiri e Mengo yaserengeta mu Kabakanjagala. Bwe yatuuka ku luguudo olulaga e Lubaga n'akyama ku kkono n'aleega okutuuka ku luguudo lw'eMasaka. Olwo yasala lusale n'akwata olw'e Ntebe

olukadde oluyita e Wankulukuku, wuuyo Nyanama n'e Seguku, omugga Mayanja (*Kato*) we gusibuka. Gwo yaguleka wansi mu kiwonvu n'alinnyuka, n'akyamira ku mayiro munaana ku lw'e Ntebe n'agwa mu lugenda e Katale n'aggukira e Kasenge. Okuva e Kasenge yakwata ly'e Nsaggu, wuuyo Kisozi n'alyoka atuuka e Budo ng'ali ne Lubuga we Omumbejja ***Nnaalinnya Margaret Lwantale***, Abakulu abasatu n'Omutaka Kasujju Lubinga akuuma abalangira. Awo mu masaŋŋanzira, ekkubo erigenda e Kisozi we lyawukanira n'eryambuka ku ssomero lya King's College Budo we baasanga Omutaka Semanobe akuuma olusozi Budo n'ababuuza nti: ***Mmwe abajja abangi mubadde mutya?*** Abaali ne Kabaka ne bamuddamu nti: ***Kabaka yafa. Tuleese Omulangira alidde Obwakabaka.*** Ssemanobe n'agezaako okubaziyiza okuyitawo ng'atimbawo omuguwa mu kkubo. Awo olutalo oluyitibwa ***Olwebirumbirumbi*** we lwatandikira. Abaali ku ludda lwa Ssemanobe ne baggyayo ebisagazi ebito ebitannafuuka mmuli (***ebirumbirumbi***) ne bagezaako okulwanyisa Kabaka mu ngeri y'okugeegeenya olutalo; n'abo ku ludda lwa Kabaka ne bakola bwe batyo mu ngeri y'okwerwanako.

Olutalo luno lwe lumu ku bulombolombo n'emikolo ebyaggyibwa mu bintu Bassekabaka abaasooka bye baayitamu balyoke bafuuke abafuzi b'ensi eno Buganda. Lujjukiza entalo Ssekabaka Kintu ze yalwana ng'alinnya ku lusozi Naggalabi okwali omufuzi eyabonyabonya ennyo abantu okumala ebbanga. Kale nno ne Muteesa yalulwana nga gwe gumu ku mikolo egyamufuula Kabaka omuggya. Olutalo Kabaka yalugoba olwo Ssemanobe n'aggyawo omuguwa Kabaka n'ayitawo n'abantu be ne boolekera entikko y'olusozi awali e ssomero. Essaawa zaali ziweze nnya Ssaabasajja n'atuuka ku muzigo omunene oguyingira mu luggya lw'essomero. Wano yasangawo Gavana, Resident wa Buganda n'abakulu abalala nga bamulindiridde. Okuva awo abakulu abo n'ekibiina ky'abantu abalala ne batambula okugenda mu kigango ekyakolebwa mu luggya lw'essomero olw'omukolo gw'olunaku olwo. Munda mu kigango mwalimu ekituuti nga kyaliiriddwako ekiwu ky'amaliba g'empolooma, ag'engo n'ag'empisi Kabaka kw'atuula. Ku kiwu kwe bassa Nnamulondo.

Mu bagenyi abakulu abaali ku mukolo guno mwalimu abakungu ba gavumenti Enkuumi, Abazungu n'Abayindi. Mwalimu Bishop Stuart ne



mukyala we, Bishop Michaud, Bishop Joseph Kiwanuka, Sir Albert Cook ne Archbishop wa Addis Ababa mu Ethiopia ow'eKerezia y'Abasodokisi. Abalangira abamu ab'Eŋŋoma tebaaliyo ng'empisa y'Ekiganda bw'eri era n'Owessaza Kamuswaga teyaliiyo kubanga naye mulangira. Abalangira abaaliyo mwalimu Yusufu Ssuuna, Badru Kakungulu, Omumbbejja Juliana Lwantale Nnaalinnya, Omumbejja Masitula Nnalinnya w'e Kasubi, Omumbejja Kamuwanda Nnalinnya wa Chwa II, Abambejja Nakalema, Ddimbwe, Miria Kyamulabi ne Nnalinnya Zalwango.

Olwo Kabaka ne Gavana ne batuula mu kigango, Abakulu abasatu nga bali n'Omutaka Mugema, Omutaka Lubinga Kasujju ne balangirira eri abantu bonna nti; \ ***Bassebo tubanjulira Kabaka Edward Muteesa II, Kabaka wa Buganda. Y'ono ataliiko kubuusibwabuusibwa.*** Nga bamaze okulangirira batyo abantu bonna ne boogerera waggulu nti: ***Ayi Katonda kuuma Kabaka Muteesa II*** emirundi esatu nga bajjudde essanyu. Okulangirira nga kuwedde ne wabaawo okusaba okumpimpi nga kukulemberwa Omulabirizi w'eNamirembe. Oluvannyuma Gavana yasiibula olwo emikolo egy'ekiganda egy'okutikkira ne gitandika.

Kabaka yasooka kulayira eri abantu bonna nga bw'anaaba Kabaka omwesigwa. Katikkiro ye yakulira omukolo guno era yamulayiza n'ebigambo bino;

***Nze Edward Muteesa II Kabaka w'e Buganda, ndayira nga nnaafuganga n'amazima n'obwesigwa Obwakabaka bwa Buganda ng'amateeka n'empisa bwe biri ebyateekebwawo okuva edda n'okutuusa kaakano. Nnaagonderanga amateeka n'ebiragiro byonna ebyateekebwawo Gavumenti ya Ssaabasajja Kabaka w'e Bungereza olw'okufuganga Obwakabaka bw'e Buganda. Nnaasalanga emisango ng'empisa n'obulombolombo bwe biri mu Bwakabaka bwange. Ayi Katonda ombeere bw'otyo.***

## OKUTIKKIRWA OKW'OBUWANGWA

Okulayira nga kuwedde era nga Kabaka akyayimiridde mu kigango okumpi ne Nnamulondo, Katikkiro n'alyoka amukwasa amafumu abiri

era n'ayogera bw'ati: ***Twala amafumu gano nga kabonero ak'obufuzi obukukwasiddwa kaakano.*** Ate ***Owessaza Mukwenda,*** Ssaabagabo wa Buganda, n'akwasa Kabaka engabo eyabajjibwa era n'erukibwa mu ngeri y'Ekiganda, nga bw'amugamba nti: ***Twala engabo eno nga ke kabonero ak'omulimu gw'okulwanirira obuyinza bw'abantu bo era n'eddembe lyabwe.*** Awo ***Omutaka Kasujju Lubinga*** n'amukwasa empiima nga bw'amulaamiriza nti: ***Twala empiima eno osalenga amazima era ng'obonereza abo abakola ebitali bituufu.*** Ate ***Omutaka Semanobe*** n'ajja ng'akutte enjulu eziruka ebibbo n'azimukwasa nga bw'agamba nti: ***Nkukwasa enjulu zino nga ke kabonero akategeeza nti oliwangaala ng'ofuga abantu bo.***Okuva ekibbo lwe kitayatika nga nsuwa oba ekita ab'edda baakitwalanga ng'akabonero akalaga obuwangaazi. Songa enjulu baazikozesanga ne ku biruke ebirala ng'engabo, oluggi lw'enju oba eggigi eryawula ebisenge mu nnyumba y'Ekiganda eyedda.

Omuwanika wa Buganda n'aleeta ekyambalo kya Busuuti n'akiwa ***Omutaka Mugema*** n'agyambaza Kabaka nga bw'amulaamiriza nti: ***Kaakano nga bw'oyambaziddwa Busuuti y'Obwakabaka Mukama Katonda wo akuwenga okutegeera n'amagezi n'obuyinza ebiva gy'ali.***

Busuuti eno yakolerwa mu Misiri. Yatungibwa abatunzi abakugu ennyo abaatunganga ebyambalo bya Kabaka Farouk owa Misiri. Yatungibwa mu langi ya Bululu n'omukugiro ogwa zaabu, ng'erimu ekifaananyi ky'Engabo n'Amafumu ga Buganda. Kabaka ng'amaze okwambazibwa ekyambalo ne yetegekera Omulabirizi okumutikkira engule. Omulabirizi Bishop Stuart yabuulirira Kabaka ebigambo bingiko ng'amujjukiza ekirayiro kye yasooka okulayira era n'ekyo kye yali yakamala okulayira. Awo Omulamuzi wa Buganda n'aleeta Baibuli n'agikwasa Omulabirizi naye eyagikwasa Kabaka. Ng'akutte Baibuli mu mukono gwe ogwa ddyo n'alayira bw'ati: ***Ebirayiro byonna n'ebisuubizo byonna bye nkoze mbikakasizza kaakati. Ayi Katonda mbeera.***





***Okutikkira Kabaka okw'Obuwangwa***

Awo Kabaka n'atuula ku Nnamulondo, Sseggiriinya ow'Ekika ky'Engo n'aleeta engule ey'Ekiganda eyakolebwa Abagiriinya n'agiwa Kabaka n'agyetikkira ku mutwe. Awo engalo n'obuluulu ne bisaanikira ekifo kyonna. Oluvannyuma Abakulu abasatu ne baleeta engule yennyini ey'Obwakabaka ne bagikwasa Omulabirizi eyagiteeka ku mutwe gwa Kabaka. Okwo kwe kwali okumutikkira engule kwennyini okwali kulindirirwa. Oluvannyuma Omulabirizi yasabira Kabaka. Abakulu abasatu, Abamasaza 20 n'Omutaka Mugema nabo ne baggyayo engule zabwe nazo ezaakolebwa Abagiriinya olw'omukolo ogwo ne bazetikkira mu ssanyu lingi nnyo era ne banyumira omukolo. Nga Kabaka akyali

ku Nnamulondo, ***Omutaka Nankere*** yaleeta empeta n'agikwasa Omulabirizi eyaginaanika Kabaka ku ngalo. N'Omutaka Kayiira ow'Embogo yakongojja Kabaka ne Lubuga ne babakaazakaaza abantu okubalaba wakati mu mizira n'okujaguza okwo nga kwe kuli n'ebivuga. Omukolo ogwo bwe gwaggwa, Ssaabasajja n'abagenyi be abayite ne bagenda mu ddiiro ly'essomero ku by'okunywa ebitonotono. Awo Kabaka n'ava e Budo okudda e Mengo ng'ayita mu kkubo eriyita e Kyengera, n'asomoka omugga Mayanja okutuuka e Nateete n' e Mengo.

Akawungeezi ako waaliwo okumulisa emimuli nga gitandikira ku Wankaki okwetooloola olubiri. Waaliwo okukuma enkoomi ku nsozi mu Buganda bwonna ku masaza n'amagombolola ng'abantu bayimba ennyimba ez'essanyu okutuusa mu ttumbi. Kyokka waaliwo emikolo egyakolebwanga ku Bakabaka ab'edda egitaakolwa ku luno gamba Kabaka teyalinnya ku kafunvu akali mu kifo ekiyitibwa ***Nnakibuuka.*** Kigambibwa nti Kabaka Bemba eyafuga obubi abantu be awo we yabeeranga era abasajja ba Kintu we baamuttira Kintu n'alyoka alya Obuganda bwe yalinnya ku kafunvu ako okutegeeza nti olutalo aluwangudde. Bakabaka abaddirira kye baavanga balinnya ku kafunvu ako nga kitegeeza nti be basika ba Kintu. Okumpi awo waaliwo ennyumba ya Bemba eyayitibwanga ***Buganda*** era Kintu bwe yawangula Bemba n'agisulamu. Emikolo gy'amatikkira gyamalira ddala ennaku nnya nga gikyabumbujja.

## KABAKA MU LUKIIKO

Enkeera ku Lwomukaaga nga 21, November 1942 Kabaka yalabika mu Lukiiko lwa Buganda olukulu omulundi ogusooka nga Kabaka.Olukiiko luno lwali mu Bulange enkadde eyabeeranga munda mu Lubiri. Olukiiko luno lwayitibwa Kabaka alagibwe eri Obuganda mu butongole. Ssaabasajja yatuuka mu Bulange ng'awerekerwako Resident wa Buganda. Yasooka kulambula nnyiriri za baserikale ba polisi ya Uganda nga tannayingira mu lukiiko. Bwe yamala okukkalira ku Nnamulondo nga n'Obuganda bumaze okulamusa n'okulanya, Abakulu ne banjula Resident wa Buganda ate naye n'ayanjulira Kabaka ba ofisa abalala abakulu mu Gavumenti Enkuumi be yali ayise nabo.



.Ate Katikkiro yayanjula Kyabazinga wa Busoga n'abakaka abaava mu bitundu bya Uganda eby'enjawulo abaaliwo. Era yayanjula Abaami abamasaza n'abamagombolola, Omulangira Yusufu Ssuuna, Omulangira Badiru Kakungulu, abaami abakadde, Jemusi Miti, Semewo Senkatuuka, Mikairi Kintu eyali Assistant Katikkiro, Danieri Serwaniko (Senior Assistant Omuwanika), C.Katongole (Ssaabaganzi) Danieri Kato (Omukulu w'eby'okulima), Apolo Kironde, muzzukulu wa Sir Apolo Kaggwa eyali Katikkiro wa Buganda omwatikirivu ennyo n'abalala. Oluvannyuma Ssaabasajja yayanjulirwa Bishop Stuart ow'e Namirembe, Bishop Michaud ow'e Lubaga, Bishop Joseph Kiwanuka ow'e Masaka, Abakadde b'e Kanisa abalala, Abasesosodoti, Abawalimu, Abalangira ab'emituba, Bannakazadde ba Kabaka, Omwami PauloKavuma omubeezi wa Resident n'abalala bangi.

Okwanjula nga kuwedde Ssaabasajja yayogera eri Obuganda okusooka nga yeebaza abantu bonna olw'okujja okumukulisa n'okumuyingiza mu mulimu gwe baali baakamukwasa. Yeebaza nnyo Abakulu abasatu olw'okukola emirimu gy'obwa Regent okumala emyaka esatu ate nga bagikolera mu biseera ebizibu. Yeebaza Gavumenti ya Uganda olw'okuyamba n'okuwa Gavumenti ya Kabaka amagezi mu buli nsonga. Yeebaza Abamasaza, Abamagombolola n'ab'emiruka olw'okutuukiriza obulungi emirimu gyabwe. Yayogera ku buzibu obwaliwo nga Ssematalo eyali alwanibwa ensi yonna, n'abakubiriza okuyamba abatabaazi abaali ku lutalo nga bw'abajjukiza nti olutalo olwo terwali lwa Bungereza yokka naye abantu bonna nti singa Bungereza ewangulwa ne Buganda yalifiiriddwa obuyambi bw'efuna okuva ku Bangereza. Yeebaza Gavumenti ya Uganda olw'okuteekawo essomero ekkulu e Makerere, era ne yeebaza Abaminsane bonna olw'okuyamba mu by'omwoyo era n'eby'amasomero. Yeyongera n'agamba nti alowooza nti abantu baalyagadde Kabaka wabwe yeyongere okusoma okufuna amagezi agalimuyamba mu kufuga kwe. Bw'atyo n'agamba nti Abakulu abasatu bajja kwongera okumuyamba okukolanga emirimu egimu egy'Obwakabaka nga bwe yeyongera okusoma.

Ssaabasajja bwe yamala okwogera n'ayambaza Abakulu abasatu buli omu Ekitiibwa ky'Obwakabaka era oluvannyuma emikolo ne gikomekkerezebwa n'ekyemisana ekinyuvu mu Lubiri.Emikolo gyonna gyakomekkerezebwa enkeera ku Sunday n'okwebaza mu makanisa

n'amakereziya gonna mu Buganda. Ssaabasajja yeebaliza mu Lutikko e Namirembe.

## OKUTANDIKA OKUFUGA

Muteesa yava e Budo ku nkomerero ya 1942, n'atandika okusoma e Makerere College mu 1943. Era okufaanana nga bwe yakolanga e Budo, oluusi yasomeranga wamu n'abayizi banne mu kibiina kimu ate oluusi omusomesa n'amusomesa yekka. Muteesa yeyongera okuba omuzannyi w'emizannyo egitali gimu. Yali mu tiimu ya College ey'omupiira ogw'ebigere, cricket ne tennis. Waaliwo omulundi gumu lwe baali bamulonze okusamba omupiira gw'empaka mu tiimu ya Uganda naye Baminisita be ne batasiima Kabaka kusamba mupiira mu mpaka ng'ezo, bwatyo natasamba naye yaṣaalirwa nnyo. E Makerere yavaayo mu September 1945 n'agenda okutandika okusoma mu Cambridge University e Bungereza.

Muteesa yanyumirwanga nnyo eby'obuserikale. Yayigirizibwa era n'afuuka omuteebi wa sabbawa kayingo. Okuyiga eby'obujaasi yabitandikira Makerere ate bwe yatuuka e Cambridge n'ayingira ekibiina ekyayitibwanga ***Officers' Training Corps*** era n'afunamu n'obukulu obwa officer. Ng'ali eyo yeyongera nnyo okukuguka mu bintu byonna ebikwata ku mmundu eza buli ngeri anti yawangula n'empaka ez'okukozesa emmundu entono revolvers (Basitoola).



*Embogo Muteesa gye yasooka okutta*

Bwe yali anaatera okumaliriza emisomo gye e Cambridge yasaba okuyingira mu magye ga Bungereza ayige eby'okulwana mu ntalo. Yakkirizibwa okuyingira mu kibinja ekikuuma Kabaka wa Bungereza ekiyitibwa ***Grenadier Guards*** olwo Muteesa n'aba nga ye muddugavu eyasooka okukkirizibwa okuyingira mu kibinja kino. Oluvannyuma lw'ekiseera yakuzibwa



n'atuuka ku bwa Captain era King George VI ye yamwambaza ekitiibwa ekyo mu lubiri lwe e Buckingham Palace.



Mu 1945, nga Muteesa akyasomera e Makerere Gavana, Sir Charles Dundas, yalangirira enkyukakyuka ez'amaanyi mu bufuzi bwa Buganda ng'ekigendererwa kwe kugenda nga Buganda eddizibwa obuyinza bw'okuddukanya egimu ku mirimu gyayo mu kiseera ekyo egyali gikolebwa ba ofisa ba Gavumenti Enkuumi. Mu kutandika Gavana yalangirira nga ba District Commissioners Abazungu, abaalinga balambula emirimu gy'abaami Abamasaza n'Amagombolola bwe baali